

335/1
LUGANDA
Paper 1
June 2019

LUGANDA TEACHERS' ASSOCIATION
(UCE)

Okuwandiika Emboozi, Okukyusa, Okufunza, Ggulama N'ebisoko
Essaawa bbiri (2)

Ebigobererwa:

- Olupapula luno lulimu ebitundu bibiri A ne B.
- Mu kitundu A, mulimu nnamba 1(a) ne 1(b), londako 1(a) oba 1(b).
- Mu kitundu B, mulimu nnamba 2 ne 3. Ku nnamba 2, ddamu 2(a) oba 2(b).
- Nnamba 3 yonna ya buwaze.

EKITUNDU A

Kola 1(a) oba 1(b) mu kitundu kino.

1 (a) Ku mitwe egikuweereddwa londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 400.
(Buli mutwe gwa bubonero 50)

- i. Olunaku lwe najulirira okufa!
- ii. Nnantabuulirirwa yasaabala bwa bbumba!
- iii. Engeri gye tuyinza okuziyizaamu okwonooneka kw'empisa z'abaana ba leero.
- iv. Obuvunaanyizibwa bw'abakyala mu Uganda.

Oba

(b) Ku mitwe gino londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo nga 200. (Buli mutwe gwa bubonero 25)

- i. Wandikira mukwano gwo asomera mu ssomero eddala ng'omuwa amagezi aganaamusobozesa okuyita obulungi ehibuuzo bye eby'akamalirizo.
- ii. Muwala wo akulaze omulenzi gw'ayagala okufumbirwa naye ggwe tomusiimye! Muzze wabbali omubuulire ensonga ezikulemesezza okumusiima.
- iii. Wandika omuko mu mawulire nga weemulugunya ku ngeri embi abazadde gye bayisaamu abaana abalina obulemu ku mibiri gyabwe.
- iv. Weefuule omukugu mu by'okuzimba onyonnyole abatuuze abazze mu lukungaana lwe wayise, ebizibu ebizibu okuva mu kuzimba ennyumba ez'omugotteko.

EKITUNDU B

Kola 2(a) oba 2(b)

2(a) *Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100. (Obubonero 20)*

Nampa yagenda okufumbirwa omwa Kikoola nga muwala muto ddala, leero njula na kumuyita bbujje kuba yali akyali muto nnyo ng'aweza buweza emyaka 14. Olwo nno n'obubeere bwali bufuuyirira bufuuyirizi ku kifuba. Kikoola naye lwa kuwagguuka n'awanvuwa okukira omuvule naye yali muto kuba yali atemera mu gy'obukulu kkumi na munaana gyokka. Ababiri bano tewali yasiima kufumbiriganwa na munne wabula bazadde baabwe be baabasiimira era ne babasisinkanya ng'enkola bwe yali ebiseera ebyo. Nampa yali agaanye era baamutwala akaaba nga tayagala kutandika ddyo anti ng'akyali muto. Wabula nga bwe baalugera nti akusinga akukubya gw'okutte, ne Nampa teyalina kyakuddamu nga bazadde be bakalambidde nti ateekwa okufumbirwa. Nnyina nno ye yasinga okumuwaliriza agende afumbirwe mbu sikulwa ng'amuleetera amawemuukirano n'afunira olubuto ku luggya nga muwala wa Zisuza bwe yakola n'aswaza bakadde be okukamala.

Nampa yalaba bazadde be bafunvubidde ku ky'okumufumbiza n'amala gakkiriza n'agenda okutta eddya. Ekyewuunyisa Nampa ne Kikoola baayagalana ne Mukererere n'amwenya! Tewali Kikoola kye yakolanga nga tabuuliddeko kabiite we Nampa. Baatambulanga babiri, ku mikolo, mu nnimiro, leero buli wamu nga baba babiri kkovu na ssonko. Abantu baatuuka n'okubisala nti Nampa yandiba ng'alina bye yaliisa Kikoola n'amuteeka mu kaccupa n'amulekamu kasala kkubo, anti ng'omukwano gubasaza mu kabu enswa nnene!

Baba bakyali mu mukwano omungi gutyo Walumbe n'abaawula! Kikoola yalwala musujja, baagenda okumutuusa e Mulago nga mukalu wajjo, bw'atyo n'akkirira e Kaganga etalimwa binyeebwa. Nampa yasigala mu nnaku etagambika era etalimuva ku mutima. Kikoola we yafiira ng'aweza emyaka 34 gyokka ekitegeeza nti ne Nampa yali akyalimu emmunye era nga muto. Waayita omwezi gumu olumbe lwa Kikoola ne lwabizibwa. Kikoola yafa tazadde mwana mulenzi, kye baava balonda mutoowe Kasenge amusikire. Enkeera omukulu w'oluggya yatuuzza olukiiko mwe yayanjulira ensonga eyaggya Nampa enviiri ku mutwe n'ajula naye okutondoka agwe eri lumalemu amazzi. Omukulu yasengeka ensonga ze ng'ategeeza abaali mu lukiiko nga bwe yali ayagala. Nampa alonde omu ku balamu be abaazaalibwa ne bba amufumbirwe. Mu ddooboozi eryali lijegemera olw'obukadde yagamba nti, "Aaan, Muwala! Kitalo kitalo ddala! Tukwebaza okutuukiriza endagaano gye wakuba ne balo okutuusa Walumbe lw'abaawukanyizza. Okimanyi bulungi nti twakugula ewammwe era twakusasula, era tetukusuubira kuddayo wammwe. Wabula engeri gy'okyaali omuto era ng'okyasobola okuzaala, njagala olonde omu ku balamu bo akuwase, ekyo bwe kikulema nga nze nkulondera".

Akasiriikiriro kaalamula akanyego. Tewali yayogera kigambo na kimu okumalira ddala eddakiika nga ttaano. Baganda ba Kikoola bonna baali baawasa dda abakyala era nga nabo baali batudde mu lukiiko luno. Nampa yayisaayisa amaaso nga talaba mukazi gw'ayinza kuyingirira n'afumba naye mu ddyo so ng'ate era yali tayagala kufumbirwa mulamu we. Kye yava agogola omumiro n'agamba nti, "Ssebo omukulu w'oluggya, nsanyuse nnyo okulaba nti mundowoozaako. Mwebale nnyo mwebalege era nange sijja kugaana mukisa gumpeereddwa wabula nsaba omukyala eyectegeese nfumbe naye awanjike omukono nange nja kukkiriza okuyingira mu maka ge kuba y'anaaba anzikirizza okufumbirwa bba."

Oluvuvuumo lwawulikika mu bantu! Abantu baatandika okwojera obutonotono nga beewuunya amagezi ga Nampa. Teri mukazi yawanika mukono. Omukulu w'oluggya yalaba teri mukazi awanise mukono kwe kukaka Nampa afumbirwe omusika. "Fumbirwa omusika, ndaba y'asikidde balo. Ebyo by'owoza mbu omukazi awanike omukono simanyi biki saagala kubiwuliza era..." Yali tannabimalayo muka Kasenge omusika wa Kikoola n'amubakira n'amugamba nti oba ye Nampa amwagala amuwase ndaba naye musajja. Omukulu byamukalira ku matama nga muka Kasenge yeesaze akajegere. Oluvannyuma kyasalibwawo Nampa asigale mu nju ya bba akulize omwo abaana. Nga nno nkulabira!

Oba

2 (b) *Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda. (Obubonero 20)*

My life completely changed after losing both of my parents at a tender age. I sold banana leaves, maize and eventually started roasting chicken at the road side. I was about 12 years old at that time. The profits helped me to pay school fees. Despite this, children bullied me a lot. They used to call me chicken. In fact one time while campaigning to become a library prefect, one student made a very mean joke that broke me. He said, 'What is chicken going to do for us?' I lost my self esteem.

Life became tougher at the age of 15 when my siblings and I were forcibly evicted from our family house by some greedy relatives. We had to part ways. I was lucky. I moved into one Head Teacher's home who sheltered me for years. I helped her with household chores and she treated me as her own daughter. She empowered me on how to make money from fish smoking. It is the business I am doing up to today.

To other people going through different trails in life, I encourage them not to give up. My life for instance has improved greatly because of the fish business. In fact, I get a lot of invitations to talk about my life story at both local and international conferences.

(Extracted with minor modifications from Daily Monitor, Friday May 10, 2019)

3 (a) *Jjuza ebisoko ebituufu mu mabanga agalekeddwawo. (Obubonero 20)*

- i. Olwamala _____ ku gwa ddyo ne nneebaka.
- ii. Kitange yafa dda era kati z'embuyaga _____ engoye.
- iii. Ekibuuzo kino kyangu era kumenya mu jjenje _____.
- iv. Yayoza ku _____ anti ng'akaaba nga muganzi we amukyaye.
- v. Tonsibaako matu ga mbuzi kundiisa _____.
- vi. Yayogera ebigambo ebitaliiko _____ na magulu era kati musibe.
- vii. Baamugoba ku mulimu era kati akaaba _____ nga ntulege.

- viii. Omukazi yabonyaabonya abaana ba muggya we bw' atyo n' abakooza _____.
- ix. Oyo omwana oba lwaki atambula abibinaza akabina ng' ensejjere eyingira _____?
- x. Kyatuggya _____ ku mutwe okulaba nti omulenzi omusirise ennyo y' asinze mu bigezo eby' akamalirizo.

3 (b) *Kola nga bw' olagiddwa ku buli kibuuzo.*

i. Sentensi zino zikyuse ozizze mu kiseera ekyayita (*Obubonero 3*).

- Tulya emmere bulijjo.
- Basoma ebitabo byabwe.
- Osomera wa?

ii. Jjuza obugambo obuyunzi obutuukira mu mabanga agalekeddwa mu sentensi zino (*Obubonero 3*).

- Kato _____ Wasswa bagenda ku ssomero.
- Muzadde _____ mukulu wa ssomero.
- Sijja kudda _____ ndi mulwadde.

iii. Ebigambo bino bizze mu bungi (*Obubonero 4*).

- Obuugi
- Oluggya
- Ekkonkome
- Kasooli

BIKOMYE WANU